# Ekivundu ku mwalo kisattiza abavubi

HUZAIMA KAWEESA



Ennyanja Nalubaale nga bw'efaanana mu kiseera kino e Luzira. Mu katono ye kansala we Luzira, Peter Muyombya.

Bya HUZAIMA KAWEESA

ABAVUBI n'abasuubuzi ku mwalo gwa Port Bell e Luzira basattira olw'ekiddo ekyakazibwako erya Mubiru ekiguzinzeeko ne kyonoona amazzi ne gafuuka kiragala ng'ate gawunya okukamala!.

Bagamba nti tebakyasobola kukola ssente olw'ekivundu ekisaanikidde ekifo kyonna. Omwalo guno gusangibwa ku nnyanja Nalubaale ng'ekitongole ky'amazzi gye kiggya amazzi ge kisengejja ne gakozesebwa mu Kampala n'emiriraano.

Henry Chemba asaabaza n'okulambuza abantu ku mwalo guno yagambye nti, bwe baba bavuga amaato, yingini ziroba mu bisubi by'ekiddo kino okukkakkana nga bakozesezza amafuta mangi ate oluusi yingini ne zifa.

"Ekiddo kino kya kiragala owa kikuusikuusi. Kijja kitambula okuva mu bitundu ebirala naye tuteebereza nti kiva ku bagagga abasala ebisamba by'oku mazzi ebyali birongoosa ennyanja," Chemba bwe yategeezezza n'agamba nti, buli lwe basala ebisamba bino, bitambula ne biremesa ennyanja okusengejja obucaafu.

Yagasseeko nti, embeera eno etera kubaawo mu biseera eby'omusana naddala wakati wa January ne February kyokka enkuba bw'etandika, nga kyesala. N'agamba nti, enjawulo eriwo, ku luno ekivundu kyabasusseeko.

Ssentebe w'abasuubuzi ku mwalo guno, Hassan Bogere yagambye nti ekivundu kyatandise okulwaza abantu naddala abaana. Yagasseeko nti, ennyanja yabeeranga ne yiika 6 ku 12 ez'ekitoogo ezaasengejjanga amazzi ne gatuuka mu nnyanja nga mayonjo. N'agamba nti, kati ebicaafu biyingira kyere mu nnyanja.

Yagasseeko nti, abantu abajjanga ku mwalo okulya ku byennyanja tebakyajja olw'ekivundu n'asaba Gavumenti eveeyo ku basaanyaawo entobazzi ku nnyanja.

Kansala w'e Luzira, Peter Muyombya, embeera eno yagitadde ku bantu abasuula kasasiro ku nnyanja ng'ono yaleetera egimu ku mikutu omusengejjerwa amazzi omuli ogwa Nakivubo ne Kinnawattaka okufunda era tegikyakola bulungi.

Yeemulugunyizza ku bantu abatalina kaabuyonjo, nti bamansa kazambi mu nnyanja ekivundu ne kyeyongera. Yasabye Gavumenti eyongere amaanyi mu kusomesa abantu ku kabi akali mu kumansa kasasiro n'okuyingirira entobazzi.

## MINISITULE EYOGEDDE

Minisitule y'amazzi n'obutonde bw'ensi yafulumizza ekiwandiiko ku kivundu kino nga February 03, 2026. Yagambye nti, ennyanja eno egabira abantu abasoba mu bukadde 45 amazzi, eyamba mu kukola amasannyalaze, okutereeza embeera y'obudde n'okukwata obucaafu obuva mu bitundu ebigyetoolodde.

Ekizibu kino yakitadde ku bantu abasaanyizzaawo entobazzi ezaali zisengejja obucaafu. Minisitule era yalaze nti erina ebifo mw'esunsulira omutindo gw'amazzi nga e Luzira ku Murchson Bay, mu Kampala waliyo 23 n'ebirala 10 mu bitundu by'e Ntebe.

Minisitule yalaze nti ekivundu kino oluusi kiva ku bisejja ebikwata ku mazzi. Bino bwe byegattamu empewo ne byetabula n'amazzi, bikola ekivundu. N'ebyennyanja okubulwa omukka ogubiyamba okussa, bifa ne bivunda era ne bikola ekivundu.

## Abantu bye bagamba



Sarah Namwasi: Ekivundu ku nnyanja kituyisa bubi kubanga ebintu byaffe bidiba anti tetukyafuna baguzi. Tusaba ennyanja erongoosebwe tuddemu tukole.



Ssentebe w'abasuubuzi, Hassan Bogere: Abagagga abaasanyaawo ebitoogo ebyali bisengejja amazzi g'ennyanja be batutuusizza ku kino. Tusaba ennyanja etereezebwe.



Isaac Mpango: Ekivundu ku nnyanja kitumazeeko emirembe kuba kitugobyeko bakasitoma. Tufunye n'endwadde eziva ku kivundu kino nga banaffe abamu bakaaba embuto okubaluma.

## EBIKOLEBWA OKUTEREEZA ENNYANJA

Minisitule esuubizza okukola bino:

1 Okuzzaawo entobazzi; waliwo entobazzi ezaasanyizibwawo okwetooloola ennyanja. Mu kiseera kino ziri mu kuzzibwawo, okulaba ng'embeera erongooka.

2 Okwongera okwekenneenya omutindo gw'amazzi; Minisitule ekola butaweera okukakasa ng'omutindo gw'amazzi gwekebejjebwa buli kadde, okugakuuma nga mayonjo.

3 Minisitule yasuubizza okwongera okukwasisa amateeka ku nnyanja, okulungamya amakolero agaliraanye ennyanja n'okusomesa abantu enkozesa y'ennyanja entuufu.